# Ebyewuunyisa ku ba ffamire 7 abaafudde mu kabenje



Abakungubazi mu kiyongobero. Kozesa Digital Experience App olabe vidiyo.

Bya KIZITO MUSOKE, SHAMIM NABUNYA ne ALI WASSWA

IVAN Nuwagaba 38, yakoleezezza mmotoka ye ekika kya Toyota Filder ku ssaawa 7:30 ez'ekiro ku Lwomukaaga okuva mu maka ge e Kyengera ayolekera mu kyalo e Ibanda gye yabadde agenda okubatiriza abaana.

Yasoose kukakasa nti bonna abagenda bakkalidde mu mmotoka. Mukyala we Brenda Inembabazi 34, yatudde mu maaso ng'asitudde omwana waabwe asembayo Kelon Agaba 2.

Mu mutto gw'emabega waabaddeyo muganda we Sayuni Turihonabwe 39, n'abaana be okuli; Keith Agaba 15, Keisha Atuhirwe 8, Kenen Masiko 5.

Omukozi w'awaka Jane Kirabo baamulagidde asigale ng'akuuma ewaka era akakase nga taggulira muntu yenna akonkona si kulwa ng'ayingiza ababbi.

Tebaategedde nti tebaabadde baakutuuka anti olugendo baaluvugidde essaawa 3:00 zokka ne bafuna akabenje akaabatuze bonna ku kyalo Njagalakasaayi ekisangibwa mu disitulikiti y'e Lwengo.

Omukozi mu maka ga Nuwagaba, Jane Kirabo yategeezezza nti abagenzi baasimbudde okuva ewaka ku ssaawa 7:30 ez'ekiro ne bamuleka ewaka akuumewo.

Kyokka ku makya ku Lwomukaaga, yafunye essimu ya mukama we, bwe yagikutte eyagikubye ne bamutegeeza nti yabadde wa poliisi n'amugamba nti nannyini ssimu afiiridde mu kabenje ne bonna abaabadde mu mmotoka.

"Saasoose kubikakasa ne nkubira muganda wa Nuwagaba eyantegeezezza nti naye waliwo omuserikale amukubidde n'amutegeeza ekintu kye kimu" Kirabo bwe yategeezezza mu nnaku.

Omwogezi wa pollisi e Masaka, Twaha Kasirye yategeezezza nti akabenje kaavudde ku kuvugisa kimama kuba Nuwagaba eyabadde avuga Toyota Filder nnamba UBH 476W yavudde mu layini n'agezaako okuyisa n'atomeragana ne FUSO namba UBP510V eyabadde yeetisse ebijanjaalo ng'edda Kampala.

Abaabadde mu Toyota Filder bonna baafiiriddewo era mu ddwaliro e Masaka baatutte mirambo ate emmotoka ezaakoze akabenje ne zitwalibwa ku poliisi y'e Lwengo.

Kasirye yawabudde abantu okuvuga n'obwegendereza n'okwewala obutamala gayisiza we basanze kuba abakozesa oluguudo bangi. Akabenje kaaguddewo ku Lwomukaaga nga bukya ku ssaawa 10:30 ku kyalo Njagalakasaayi ekisangibwa mu town council e Kanoni mu disitulikiti ye Lwengo.

Ffamire eyaweddewo batuuze b'e Kyengera-Kazinga okumpi ne Temple mu disitulikiti y'e Wakiso. Nuwagaba abadde atunda Gas okuliraana essundiro ly'amafuta erya Total e Kyengera ku Mukaaga. Inembabazi naye abadde atunda Gas okuliraana essundiro ly'amafuta erya Meru e Kyengera.

Nuwagaba abadde mutuuze w'e Kanyanya-Kyebando nga yabadde azze wa mugandawe bagende bonna mu kyalo ku mukolo gw'okubatiza abaana.

### EKIRI MU KYALO GYE BAGENDA OKUZIIKIBWA OLWALEERO

Gyababde miranga n'okwaziirana ku kyalo Kyogo ekisangibwa mu ggombolola y'e Kamwezi mu disitulikiti y'e Rukiga emirambo gy'abooluganda abaafiiridde mu kabenje bwe gy'abadde gituusibwa ku butaka.

Emirambo gyatwaliddwa mu maka ga taata wa Nuwagaba, Benon Swaibu (yasiramuka luvannyuma) amaze emyaka mukaaga ng'ali ku ndiri oluvannyuma lw'okufuna akabenje n'amenyeka omugongo.

Yagambye nti batabani be Nuwagaba ne Turihonabwe baakulira wamu era babadde baamukwano. Kyokka maama wa Nuwagaba yali yamuzaalamu omu mu maka bwe yali tannanoba.

"Nuwagaba abadde mukono gwaffe gwa ddyo ng'atulabirira mu buli kimu awatali kutujuza engeri gye nagongobala. Abazzukulu abaafudde naddala omulenzi omukulu mbadde njogera nnyo naye ku ssimu ng'ayagala nnyo okusamba akapiira ng'aliko abazannyi be Bulaaya be yeegomba" Mzee Swaibu bwe yategeezezza.

Emirambo gyonna baasoose kwagala kugiteeka mu nnyumba, kyokka nga tegigyamu ne basalawo okugikuumira wabweru. Baakuziikibwa ku kyalo Kyogo leero ku kiggya kimu.



Abaana abaafudde ne bazadde baabwe mu kabenje e Lwengo



Ainembabazi ne bba Ivan Nuwagaba abaafudde n'abaana baabwe mu kabenje.



Swaibu Benon Turyamureba, taata wa Nuwagaba yafuna akabenje era amaze ku ndiri emyaka egiwera.

## OBUBENJE OBW'AMAANYI OBUZZE BUGWAWO

- **October 22, 2024:** Ekimotoka ekitambuza amafuta kyagwa ne kyefuula e Kigoogwa ku luguudo lwe Bombo. Omuliro gwakwata ne gutta abantu 45.
- **February 1, 2017:** Abantu 16 abaali mu takisi kigege nnamba UAZ 350U eyali eva e Jinja ng'edda Kampala yayingirirwa tuleera nnamba KAU 894G bonna ne bafiirawo. Akabenje kaagwa ku kyalo Ssagazi nga waakava e Lugazi odda e Jinja.
- **December 2013:** Takisi yatomeragana ne loole e Kigunga-Mukono ku ssaawa 10 nga bukya. Abantu musanvu baafiirawo ate abalala musanvu ne basimattuka n'ebisago.
- **October 2012:** Lukululana UAQ 955E yatomeragana ne takisi UAN 085P eyali epangisiddwa Abayindi okubatwala ku kisaawe e Ntebe. Mukaaga baafiirawo.
- **October 2011:** Daniel Mungyereza Mirembe eyali omukozi mu Standard Chartered Bank, mukyala we Lilian Kirabo, n'abaana baabwe; Nicole Mirembe ne Jonathan baafiira mu kabenje mmotoka mwe baali bwe yatomeragana ne lukululana e Najjembe mu Mabira. Baalina amaka e Bweyogerere Bbuto nga be bannanyini ssomero lya Little Lillies Nursery e Mutungo.
- **July wa 2016** akabenje katta abantu 22 e Kampiringisa ku luguudo lw'e Masaka mmotoka nnya bwe zaatomeragana okuli; takisi bbiri, Toyota Noah ne tuleera.
- **July 30, 2018:** Akabenje ddekabusa katta abantu musanvu mu kibira ky'e Kampiringisa ku lw'e Masaka mu kifo kyennyini awaafira abantu 22 omwaka oguwedde. Takisi eyali ekubyeko abasaabaze nnamba UAZ 462E ng'eva e Kampala edda Masaka yatomeregana ne mmotoka Toyota Wish nnamba UBB 573M mu koona ly'e Kampiringisa.